P360/2
LUGANDA
PAPER 2
July/August 2023
3 hours

# WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS.

**Uganda Advanced Certificate of Education.**

**LUGANDA**

**OKUKYUSA, OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUSOMA BWINO N'OKUFUNZA.**

**Paper 2**

**ESSAAWA SSATU (3)**

**ENDAGIRIRO:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina* **A, B, C ne D**
- *Ebibuuzo byonna mu kitundu* **A, C ne D** *bya buwaze.*
- *Mu Kitundu* **B,** *londako nga bw'olagiddwa.*
- *Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

© *WAKISSHA Joint Mock Examinations 2023*

**Bikkula**

## EKITUNDU A

**Ddamu 1(a) ne 1(b)**

1. (a) Kyusa ekitundu kino okizze mu lulimi oluganda. (obubonero 15)

Chameleons have long been admired for their unique appearance and remarkable ability to change colours. The first writings on Chameleons can be traced back to Aristotle (350 BC), where he regarded them as similar to lizards but also a kin to fish, baboons and crocodiles.

Chameleons have laterally compressed bodies, a prehensile tail that does not regenerate, a telescopic tongue that is longer than their bodies, zygodactylous feet, eyes that move independently and an unmatched ability to change color.

Many people are afraid of Chameleons in Uganda; some cultures believe that they bring bad luck, while others believe that they are venomous. In reality, all Chameleons are completely harmless and beneficial because they eat insects including pests species.

There are currently $^2/_3$ species of Chameleons in the world, with the highest concentrations of species in Madagascar (Almost 50%) and in the highlands of East Africa.

(Partial extract from Chameleons
Uganda by Mathias Behangana and Daniel F. Higher)

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu lungereza. (obubonero 15)

**MAYIGA AJAGUZZA EMYAKA KKUMI KU BWA KATIKKIRO**

Katikkiro wa Buganda owekitiibwa Charles Peter Mayiga, mu mwezi gwa muzigo lw'ajaguza bwe giweze emyaka kkumi bweddu ng'akuuma Ddamula, obuvunaanyizibwa obusinga obukulu mu Bwakabaka bwa Buganda. Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II yalangirira Mayiga ku bwa Katikkiro nga kkumi na bbiri. Muzigo nkumi bbiri mu kkumi n'esatu era n'amukwasa Ddamula mu Ssebaaseka w'omwaka ogwo (nkumi bbiri mu kkumi n'esatu) mu Lubiri e Mengo.

Bwe yali awayaamu ne bannamawulire ku mbuga Bulange – Mengo, Owekitiibwa Mayiga yagamba nti ku bimu ku bibala bye yeenyumirizibwamu kye kizimbe Masengere ekyali kimaze emyaka egisoba mu makumi ana ku musingi.

Katikkiro Mayiga yetegeezezza nti beeyambisa ensimbi ezimu ezaava mu ttafaali okumaliriza Masengere, ekizimbe ekyali kiremedde ku musingi, nga kati kye kimu ku bizimbe ebyogerwako mu kibuga. Yayongera okutegeeza nti ensimbi endala ezaava mu Ttafaali zaazimba bbugwe ku Masiro e Kasubi era awo we yagambidde nti ebyo bya nkukunala ku bikoleddwa mu myaka ekkumi.

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2023

Katikkiro era yeenyumiriza ne mu kuba nti ebigambo bye n'ebikolwa bye birina bangi bebikyusizza mu ndowooza ne mu nkola y'emirimo nga bangi baweeredde abaana baabwe, abalala beenyigidde mu bulimi obwa magoba ate abandi bakola emirimu egireeta ensimbi olwokuba abawa amagezi n'ebirowoozo ebibazzaamu essubi.

Mu mwezi oguwedde, obwakabaka bwa Buganda bwategeka emisinde gy'amazaalibwa mu kaweefube ow'okulwanyisa ensaasaana y'akawuka ka Mukenenya era abantu abasoba mu mitwalo ekkumi, kigambibwa nti be beetaba mu misinde egyo egyasimbulwa Ssaabasajja Ronald Muwenda Mutebi II.

## EKITUNDU B

### Kola 2(a) oba 2(b)

2. (a) Ku mitwe egikuweereddwa wammanga londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 400. (obubonero 30)

    (i) Engeri Omuganda gye yeekuumangamu mu mbeera zonna.

    (ii) Basajja Mivule……………………

    (iii) Yuganda yandiyitimuse naye…………….

    (iv) Twesanga tudduka naye nga buli gw'obuuza takuwa kimuddusa. Wandiika emboozi ng'eggyayo amakulu g'ebigambo ebyo.

**Oba**

(b) Ku mitwe egikuweereddwa wammanga. londako ebiri(2) buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (Buli mutwe obubonero 15)

    (i) Ku mukolo gw'okuggulawo ekizimbe omusomerwa amasomo gassaayansi, bayizi banno bakulonze obakiikirire okwogerako eri abagenyi n'abantu bonna. Wandiika by'onooyogera.

    (ii) Wandiikira ssentebe w'eggombolola yammwe ng'owa amagezi ku ngeri y'okuddukanyamu akatale akaggya akatandikiddwa mu kitundu kyammwe.

    (iii) Wandiika omuko mu mawulire ng'olaga obukulu bw'enkola ya Bulungibwansi mu ggwanga.

    (iv) Mukozi munnammwe mu kkampuni gy'okulira nga Ssenkulu, alondeddwa ng'omubaka wa Yuganda mu Bungereza. Ku mukolo gw'okumusiibula, osabiddwa okusoma obubaka okuva mu kampuni yammwe. Wandiika obubaka bw'onoosoma.

**Bikkula**



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2023

## EKITUNDU C

3. Soma ekitundu ekikuweereddwa n,oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo. (obubonero 20)

Wakati mu mayengo n'omuyaga ebyakuuta mu Buganda mu myaka gy'ekibululu, Lugaba yatubikkako akasubi, ennono, obulombolombo n'obuwangwa bwa Buganda ne Buganda yennyini n'etasaanawo.

Waliwo empagi enkulu ezaawembejja Nnyaffe Buganda, okutuusa ekyali kikutte obudde bwe kya lwa edda ne kibuta. Empagi z'otayinza kubuusa maaso ezaakuuma omwoyo gwa Buganda nga mulamu wakati mu kibululu ekyabuutikira Buganda okumalira ddala emyaka 27 (1966 - 1993) mulimu zino:

Abaganda bennyini baakuuma Buganda nga weeri wakati mu mayengo, enkumbaali n'ebisirikko bye yalimu okumalira ddala emyaka 27 oluvannyuma lw'abasibiramubbwa okutaagulataagula Obuganda. Wadde obwakabaka tebwaliwo nga n'abantu batambulira mu kutya, Abaganda baasigala boogera Olulimi lwabwe awatali kwekookoota, baasigala bagunjula abaana baabwe mu nkuza eŋŋanda nga baabya ennyimbe, okusamira n'obuwangwa obulala obubaawula ku bantu b'amawanga amalala. Kino kyabasobozesa obutasaanawo.

Ekibiina ky'Olulimi Oluganda ekyatandikibwawo mu myaka 1950 kyasigala kikyakutte omumuli gw'okusomesa n'okujjumbizisa Abaganda Olulimi lwabwe n'obuwangwa. Abo bwe beegattibwako Ekibiina ekigatta Abasomesa b'Oluganda (LTA), omulimo ne gugenda bukwakku. Olulimi lukolera ddala nga kawuuba etambuza, obulombolombo n'ennono.
Ku nsonga y'okusomesa olulimi oluganda, mu mwaka 1976 Yunivaasite ye Makerere yeekebakkeba eddimu ly'okusomesa Olulimi Oluganda. Waayitawo ebbanga ttono n'amatendekero g'abasomesa nago ne gessa mu kisinde. Kino ky'abayamba okusomesa emiti emito olulimi Oluganda ne lufuuka luganzi.

Abawandiisi b'ebitabo abaali baatandika edda okussa mu buwandiike ebifa ku buwangwa n'ennono za Buganda, mu bano tetuyinza kubuusa maaso Bantu nga Sir Appolo Kaggwa, eyaliko Katikkiro wa Buganda okumala emyaka 37. Mu bitabo bye ebingi obuwangwa n'ebyafaayo bye Buganda nkumu abantu bye baajulizanga nga waliwo obwetaavu.

Abawandiisi abalala nga Solomon Mpalanyi, M.B. Nsimbi, Edward K. N. Kawere, Prof. Livingstone Walusimbi, Cranmer Kalinda, Phoebe Mukasa, ebitabo byabwe byayamba nnyo Abaganda obutava ku bye baali bateekeddwa okukola. Noolwekyo emyaka 27 egy'ekibululu we gyaggweerako ng'Abaganda bakyatuuma amannya gaabwe ate nga n'enkozesa y'olulimi olunyuvu omuli ebisoko n'engero tebagisudde muguluka.

Emikutu gy'ebyempuliziganya nga leediyo, ttivvi n'empapula z'amawulire nga Ngabo, Musizi, Munno, Uganda Eyogera, Munnansi ne Mulengera byayamba nnyo okukuuma Abaganda nga tebawuguse kuva ku mulamwa. Waaliwo leediyo emu ne ttivi emu naye ebyaweerezebwangako ebisinga obungi by'abanga mu luganda, omwo mwe muli Ebirango.

Amawulire, Pulogulaamu z'ebyenfuna n'obulamu, awamu n'obukulembeze, ne kiba nti wadde Kabaka teyali ku Nnamulondo naye amaanyi g'Abaganda ne Buganda byali byeyolekera ddala bulungi.

Obukulembeze ku mitendera egy'enjawulo obwali bumaze okusimba amakanda nga Kabaka awangangusiddwa omuli abaami b'emiruka, abatongole, eggombolola n'Amasaza. baasigala bakola emirimo gyabwe mu kimpowooze ekyayamba okuzimba essuubi mu Bantu nti oba olyawo Kabaka waabwe alikomawo. Kabaka bwe yakisa omukono mu 1969, wadde obuganda bwayongobera naye era waaliwo essuubi ly'okufuna Omulangira anadda ku Nnamulondo.

Abakulu b'ebika nabo baakola omulimo ogutalojjeka mu kutebenkeza abazzukulu baabwe, ekyayamba Buganda obutasaanawo kubanga tebaaterebuka. Emikolo gyonna egikolebwa mu bika gy'asigala gikolebwa ng'okwalula abaana, okwabya ennyimbe, n'ebirala era Buganda kuno kwe yeesigama n'etojjera.

(Ekitundu kisimbuddwa mu Entanda ya
Buganda kyawandiikibwa Kabanda Abby
Omuzira mu Bazira 2004)

**Ebibuuzo:**

(a) Bintu ki omuwandiisi by'anokoddeyo ebyakuuma Buganda mu myaka gy'ekibululu? (obubonero 05)

(b) Omwaka 1976, gujjukirirwako ki okusinziira ku kitundu ky'osomye? (obubonero 02)

(c) Nga weesigama ku kitundu ky'osomye, nokolayo abantu bana(4) abaafuba ennyo okutumbula olulimi oluganda. (obubonero 04)

(d) Amaanyi ga Buganda n'Abaganda byeyolekera bitya mu kiseera Buganda we yabeerera mu kibululu. (obubonero 04)

(e) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye.
  (i) ezaawembejja
  (ii) kwekookoota
  (iii) yeekebakkeba
  (iv) kikyakutte omumuli
  (v) bweyakisa omukono

(obubonero 5)

## EKITUNDU D

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100. (obubonero 20)

Obukulembeze mu ggwanga Buganda tebumala gagwa, wabula buli linnya ly'obukulembeze lyonna liriko ennono kwe litambulira. Kale nno olw'okubanga eggwanga Buganda lyagaziyizibwa lwa buvumu na bumalirivu bwa ba Kabaka ne bajjajjaffe abaali abawulize, bangi ku basajja abafumbo baalekangawo bakazi baabwe ne bagenda Beene gye

Bikkula

yabanga abatumye, ne ku mirimo gye yabanga abatumyeko. Kale nno abasajja abo mu bitundu eby'enjawulo be bayitibwa abawaali mbu kyava mu kigambo buwuulu, wabula kizibu okukakasa kubanga omuwuulu y'oyo azimbye naye nga tannawasa mukazi yenna.

Wabula ekikulu kiri nti omuntu alya eggombolola ya Ssaabawaali, y'atwala obuvunaanyizibwa ku basajja bonna abatalina bakazi olw'ensonga ezitali zimu.

Nazzikuno ng'obwami obwa Musaale nga bukulu nnyo mu buli Ssaza anti bwe bwetoololerwako ekitongole ekivunaanyizibwa ku kulwanirira, okutaasa n'okukuuma Nnamulondo mu Buganda. Musaale y'akulira abalwanyi bonna era kigambibwa nti obwami obwo busibuka ku kasaale, anti obusongovu bwako eri gye kafumitira bwe bukulembeze.
Mu buli kitundu mu Buganda, abantu oba abakulembeze abakwasibwa obwa Musaale balina okwemalira ku gw'okukunga abantu okuba abasaale mu kukuuma, okulwanirira n'okutaasa Nnamulondo.

Wabula bwo obwami obwa Mutuba bwe bulaga nti Buganda nsi Nnyami era eranda awamu n'okulandiza obukulembeze. Nga Ssaabasajja amaze okufuna abaami be mu buli kitundu, yakizuula ng'ate ebitundu bingi byabanga bikyali bigazi nnyo, kale kyeyava asiima n'asimba omutuba ku buli kitundu ekyongedde okugaziya obwami n'obuyinza bwa Ssere. Omutuba nno ogusimbibwa gwe guyitibwa ogw'eNnanda, era mu buwangwa bwa Buganda guno gwe mutuba ogusimbirwa Kabaka ng'alya Obuganda. Omutuba guno bwe gutambuza emirandira gyagwo, gutuusa ekiseera eyo emirandira gye gitambulidde ate ne gimerako omuti omulala, ogwo nno Nnyinimu gwatema n'asimbira omwami we mu kitundu mwaba amulondedde. Omutuba guno gulina amakula agawerako wabula agakwata eky'okumwanjo ge g'okulanda n'okulya obuganda awamu n'okumeruka ng'omutuba bwe gulanda ate ne gumerukira eyo gye guba gulandidde.

Olw'okuba nga omutuba ogusimbibwa guba gumu gwokka, ate nga ggombolola kwe gusimbibwa ziyinza okusinga ku emu, y'ensonga etugambisa nti kikyamu ate okugiyita emituba. Gusigala guyitibwa Mutuba olwo omuwendo ne gukyuka kusinziira ku nsala y'eggombolola n'engeri gye ziddiriŋŋanamu.

Abaganda n'abasomi abalala bayinza okutabulwa ku ani asinga obukulu ku Mutuba I ne Mutuba 17, wabula bonna kambaluŋŋamye nti obwami bwa Kabaka bwonna bukulu mu buli kitundu gye bugabibwa awatali kusingisa gwe buddiridde. Awo nno tutandiika ne EMU(1) mu kubala n'okweyongerayo awatali kutunuulira buzito bwa bukulembeze.

Kino kya nkizo nnyo okukimanya nti buli Ssaza mu Buganda lirimu obukulembeze obw'engeri eyo waggulu, era essaza erisinga okubeeramu eggombolola ennyingi, lirina okutuuka ku Mutuba XXIII ate nga obukulembeze obw'engeri eno tebukoma ku magombolola wokka, wabula bukkira ddala wansi ne butuuka ku miruka ne ku byalo gye tusanga abaami Abatongole abakulembera ebyalo ate olwo ne bufundikirira mu maka nga entandikwa y'obukulembeze mu bwakabaka.

**BIKOMYE WANO**